

Name: Stream:

P360/3
LUGANDA
Paper 3
3 HOURS

UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION
LITULICA W'OLUGANDA
OLUPAPULA OLW'OKUSATU
ESSAAWA SSATU

EBIGOBERERWA

Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu A, B ne C.

Mu kitundu A kolamu ekibuuzo kimu.

Mu kitundu B ddamu ekibuzo kya ppuloozi n'ekirala kumu okuva mu bitontome.

Mu kitundu C, kolamu ekibuuzo kimu.

EKITUNDU A

BWALI BUTAMANYA: M. B. NSIMBI

1. "Ebintu byonna ebiwooma oba ebisanyusa bw'obikkiriza okukufuga ng'ofudde."
(a) Ani ayogera ebyo era bisimbuddwa mu ssuula ki. (3mks)
(b) Agambibwa ebigambo ebyo ebiwooma oba ebisanyusa byamutuusa ku bizi bu ki? (22mks)
2. Akabi tekabula musombi! Nnyonnyola bulungi engeri olugero luno gye lutuukira ku bizi bu ebigwa ku Kasolo ne Nakakaawa. (25mks)

ZINUNULA OMUNAKU: E. N. KAWERE

3. Nnyonnyola n'eb yokulabirako engeri Muyenje gyakolereramu ekitiibwa ky'obuzira ky'atuukako mu lugero Zinunula Omunaku. (25mks)
4. (a) Zinunula omunaku lugero oluzimbiddwa ku bunkenke mu ngeri y'okukuumira omusomi waalwo mu kifo kimu. Laga obunkenke buno n'ebyo'kulabirako. (10mks)
(b) Omuwandiisi asibiridde atya entanda omuvubuka w'omulembe omutebi gy'atasaanidde kusubwa mu kusoma olugero lwa Zinunula Omunaku? (15mks)

EKITUNDU B

Mu kitundu kono ddamu ekibuuzo nnamba 5 n'ekirala kimu okuva mu bitontome.

PPULOOZI

5. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

Enjogera egamba nti omuddugavu bwoba oyagala okumukweka eky'obugagga okiteeka mu kitabo kituufu ddala kubanga abantu bangi tebaagala kusoma bitabo. Ate abagezaako batera kusoma mitwe oba ssuula ezimu ezirowoozebwा okubaamu ebisanyusa, Olwo ebirala ne babyesuulira muguluka. Olaba n'amawulire tebatera kusoma bya munda, olusomako omutwe n'eb'yemizannyo ku nkomerero olwo ng'adda mu kulozoolera ku bifaananyi na bugologoosi ebirala tomubuulira. Gwe asoma kino wali otutte obudde okusoma olupapula lwa New Vision okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero awatali kubuukamu? Ekyo bwobeera teweerimbye bingi by'ofiirwa okumanya naddala eby'obulamu eby'obusuubuzi, emirimu, eby'obusuubuzi, emirimu, eby'obufuzi saako n'embeera z'abantu eza bulijjo.

Newankubadde olupapula luli mu kinyaanyimbe, naye amagezi g'omuntu gamubalibwa ku ki kyamanyi okuva mu nnimi endala olwo n'agaggawaza olulwe. Emikutu gye mpuliziganya nagyo gifunzizza nnyo obubaka okuva mu biwandiiko ebimu ebigazi nga enkamizo y'eddiini, enkuluze y'ebigambo n'ensunsula by'afaayo ezisangibwa mu tterekero ly'ebitabo.

Olumu eyali omukulembeze wa South Africa, Nelson Mandela yagenda ku mbaga ya mukwanogwe nfanfe. Ekiseera ky'ebirabo bwe kyatuuka okuwaayo buli omu n'aleeta ekikye embaga eno yali etutte ssente nnyingi era ng'omugole omusajja ali mu mabanja. Bwe yalaba ku Mandela n'addamu embavu ng'alowooza nti agenda kumuggya mu nvuba, ekyewuunyisa munne okugamba yamutonera ki? Yamuwa "Bayibuli" n'amukuutira agisome nnyo ajja kufuna ebinaamuyamba mu buli kizibu. Kino kyennyamiza nnyo omugole era yamala gakwata kitabo lwa butagaane, era yatereka ntereke teyagisoma olw'obusungu. Nga wayise emyezi nga mukaaga Mandela yakuba enkyukira okulaba ku bagole, yamubuuza (munne) oba abadde asoma bayibuli eyo nga munne teyagisomaamu yatereka buteresi. Yagitumya era bwe baagireeta n'abalagira okugibikkula nga wakati yali abateereddemu "ceeke" eriko obuitimbe obuwera naye nga yali eyiseeko era bwe baagisoma ne bazirika.

Wali weebuuzizaako ku makulu g'emiwendo gye tulina mu kubala okuva ku emu okutuuka ku mwenda n'ensonga eyatumya emiwendo egyo?

Omuwendo ogusooka guyimirirawo ku lwa Katonda ali omu ate n'omuntu yeesimbawo **bwannamunigina** mu kuzaalibwa n'okuziika kwe. Ogwokubiri omuntu avaamu babiri, omusajja n'omukazi be bafumbo. Ogwokusatu, omuntu abeera n'omubii, amagumba n'omusaayi oba amazzi, so nga n'ensi erina ettaka, ebbanga n'eggulu.

Ogwokuna, ebitundu by'omuntu biri bina, omutwe, olubuto, ebisambi n'amagulu. Oluganda lwe, olwa maama, olwa taata ewaabwe w'omulenzi saako ne mikwano egyenjawulo. Naawe zuula obukulu buno. Ttaano kiyinza okuva mu kutanula entalo ez'enjawulo ekyakolebwa nga ennyo bajajjaffe kwe baava Buganda okugaziwa.

Bwe baawangulanga olwo ne balyoka bakaga nti abalaba ne babakubizza kaga saako n'obufumbo anti kwalinga kweyagala olwo si ye mukaaga?

Baalondanga ensolo ensava ne bettira okweriira ku kanyama akasava anti n'okuteerawo abalabe emisanvu okubaziyiza okujja okwetaba mu kibbiitu.

Abaalinga **abanaanule** mu bifu olwo ababoogerangako nga bagamba nti mwe enda emu mwasesenga wano? Okwo nno kuwanuuza. Ebibanja byagabiwanga nga bapimisa miti saako n'ekituli eky'okulima nga bapimisa muggo, olwo kwekugamba nti okoma ku miti giri ne kivaamu kkumi, kale olabye!

Ebibuuzo

- (i) Obuwoomi bw'olulimi bweylese butya mu kitundu kino? (6mks)
- (ii) Omuwandiisi okozesezza bukodyo ki okutusembereza kyanyumyako? (6mks)
- (iii) Entuumma y'amannya g'ebintu ebiragiddwa etubikkulidde mbeera ki mwegava? (5mks)
- (iv) Obunafu bwomuntu buzaala okufiirizibwa. Kino kyeyolese kitya mu kitundu? (3mks)
- (v) Leeta amakulu g'ebigambo bino: (5mks)
- Kulozoolera
 - Enkamizo y'eddiini
 - Nvuba
 - Abanaanule
 - bwannamunigina

EBITONTOME

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 6, 7, 8 oba 9.

6. F. M MASAGAZI: Mpawo Kitakya

TEZIKYA BBIRI

Olwo nga maama ali ku musomo akubuulira, Akkaatiriza ensonga nange jjenda okwetegereza obulamu bw'ensi nga guli!

Ensi eno mu nkula

Teyeeyisa bumu yeeyisa bbiri

Tunuulira ennaku, tezikya bbiri

Olumu lyessanyu, olwebbiri nnaku

Olw'ennaku teruba lumu

Olaba mu kkumu, anti y'ennaku!

Olukumi olufunye, eryo liba ssanyu

Bwe luggwa mu mpale, n'oyoya ennusu
Ennusu bw'ebula, ne weevuma okulaya
Okuleeta ennaku ng'obadde mu ssanyu

Ate nga yo mpisa ez'essanyu ebbiri
Tezidda mangu, kubanga za ssanyu.

Bw'ofuna omugole, eryo liba ssanyu
Bwe muweza ebbiri, ng'olaba ennaku
Embaliga aziraba
Entondo zimanywa
Obujoozi ng'akola
N'okunyiwa anyiwa
Kubanga tezikya, ennungi nga bbiri!

Akalimu kafune, ojaganye ssebo
Kolayo ennaku, omulimu ogutamwa
Okulasana kuba
Omenyeka ddala
Enkuba n'ekuba
Musana guyokya
Ezaali ez'essanyu, kati za nnaku!

Kyofunye olwaleero tekibeerera
Kikozese leero tolinda lwa luli
Omuliraano gwa leero tegukuyinula
Enkeera bwe kukya, nga gumaze okufa
N'ebiwooma byonna bwe bityo yiga
Enkeera wa luno, y'enkenku ya jjo!

Ebibuuzo

- i). Ekitontome kino kituggyiddeyo kitya endowooza egamba nti "Mpaawo Kitakya"?
(3mks)
- ii). Omutongomi ayise mu makubo ki okutuzimbira entunnunsi mu kiyiiye kye? (4mks)
- iii). Omutontomi agenderede ki okuteeka olunyiriri luno, Enkeera wa luno, y'enkenku ya jjo!?
(4mks)
- iv). Nokolayo ebifaananyi bibiri ebitulagiddwa n'amakulu gaabyo.
(4mks)

v). Osinziira ku ki okutendereza omutontomi? (10mks)

7. Wekkaanye ebitontome bya F. M Masagazi onnyonnyole ebyo ebifuula omuntu okuba omugunjufu.

8. **OMULANGA GWA LAWINO:** **Okot P'Bitek**

Soma ekitontome kino, n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

SIMANYI KUFUMBA MMERE Y'ABAZUNGU

Mu nnyumba ya Maama

Tulya tutudde wansi ku maliba

G'ensolo oba ku biwempe eby'ebitoogo

Tetutuula ku miti nga nkima

Taata yekka yatuula waggulu ku ntebe ye ey'ekitiibwa.

Abaana abalenzi batuula kiswayiri

Abawala bafukamira bulungi ne beewumbako

Bonna ne basiriikirira

Ne bawa abakulu abali ku mmere ekitiibwa

Obwambe obuli mu nnyumba ya maama

Omulimu bukola gwa kugungula birime

Na kusalaasala nnyama nga tennafumbibwa

Tetubukozesa kusala mmere nfumbe era tetubuliisa

Ng' Abazungu bwe bakola.

Tunaaba bulungi engalo zaffe

Omuwumbo gw'akalo ne tugu tulugunya

Nga tugufuluma ku njuyi zonna

Okuunguula ekitole ky'akalo

Ekyenkana ekikonde

N'okunyigaanyiga ne kifaanana ejjiiko

N'olyoka okinnyika mu ssupu

N'okibwebwena.

Mu buwangwa n'empisa zaffe

Tetuliisa mukono gwa kkono,

Ne bw'oba wa nkonokono
Ottekwa okwekakaba
Okuliia omukkono ogwa ddyo
Zino z'empisa ennungi
Abantu abaliisa emikono egya kkono
Tebaba na buntu bulamu
Era baba baakuzibwa bubi

Ocol gye yasomera eyo
Baamuyhiriza emmere okugkwasa ebyuma
Era bye batekesa emmere ku kamwa
Kino kyesisiwaza buli mucholi akiwulira
Eky'emmere okugwasa ebyuma
Kyo sikitgeerako ddala
Ebeera ekaawa
Oba ebabalikira nga musota?

Emmere y'abazungu tempoomera
N'engeri gye bagiryamu tennyumira
Nze ndi mukazi mucholi
Era mpoomerwa mmere Ncholi

Ocol agamba
Nti emmere y'Abaddugavu
Ssi ya kigunjufu
Naye okuggyako okutulimba obulimbi
Bugunjufu bwa ngeri ki bw'ayogerako
Ng'eno y'emmere eyamukuza?
Ate bw'ava awo,
Mbu emmere y'abaddugavu ebeera ncaafu.
Bw'aba ayogera ku bikazikazi
Ayinza okuba omutuufu
Naye skiyabaddugavu bona

Ebibuuzo

- i) Ekitontome kizimbiddwa kitya? (8mks)
- ii) Ekitiibwa ky'abaddugavu kivvooleddwa kitya mu sitanza ey'omunaana? (2mks)

- iii) Omutontomi atutuusiza atya ku sitanza ey'okutaano? (7mks)
- iv) Asomye ekiwandiiko ekyo afuna birowoozo ki? (3mks)
- v) Amaloboozi gazimbiddwa gatya mu kitontome kino. (2mks)
- vi) Nnyonnyola amakulu g'ennyiriri zino. (3mks)
- Okuunyuula ekitole ky'akalo
 - Otekwa okwekakaba
 - Kino kyesisiwaza
9. Omucholi ateekakasa mpisa, mirimu n'embeera z'abantu b'eggwanga lye kasita yeekwata omulanga gwa Lawino talemwa ku bizuula. Kakasa n;eby'okulabirako. (25mks)

EKITUNDU C

10. (i) Entikko y'omuzannyo Bemba Musota esangibwa wa? (4mks)
(ii) Lwaki entikko ezimbiddwa bw'etyo? (21mks)
11. Bwe wekkanya omuzannyo gwa Kyeyune ozuula bukodyo ki obufuula omukulembeze omulungi era omuwanguzi? Kakasa n'eby'okulabirako. (25mks)
12. “..... nakukoowa dda....nkooye okululiisa n'okukwambaza.”
(a) Ng'ogyeko okumuliisa n'okumwambaza lwaki omwogezi akooye agambibwa ebigambo ebyo? (23mks)
(b) Ani ayogera ebigambo ebyo era ani agambibwa? (2mks)
13. Gyebuva ne gyebwenkana ensi mwetutambulira ejjudde okwesitaza. Endowooza eno ettukidde etya mu muzannyo Lozio bba Sesiria? (25mks)

BIKOMYE WANO